


Omubaka wa Budaaki mu Uganda, Quispel Fredrieke (mu ssuuti ya bbulu), abakungu ba kkampuni ezissa ssente mu mpaka zino n'abawanguzi nga basiibulwa okugenda e Budaaki. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

# Abawanguzi b'empaka z'omulimi asinga basitula leero okugenda e Budaaki

Bya HERBERT MUSOKE

ABAWANGUZI b'empaka z'omulimi asinga 2025 bakubiriziddwa okuyigira ku balimi n'abalunzi b'e Budaaki ate bye bayize babisse mu nkola nga bakomyewo okusobola okukyusa ffaamu zaabwe, ebitundu gye babeera n'eggwanga.

Omubaka wa Budaaki mu Uganda Quispel Fredrieke, bwe yabakubirizza bwe yabadde ku mukolo gw'okusiibula abawanguzi bano abagenda okusitula leero ku Lwomukaaga nga May 30, 2026 okugenda e Budaaki. Baakumalayo wiiki emu nga basoma n'okuyigira ku balimi n'abalunzi baayo.

"Kimanyiddwa nti Budaaki ekwata kyakubiri mu nsi yonna mu mawanga agayimiddewo ku bulimi n'obulunzi naye ng'ekisinga okugiyamba, tekinologiya. Noolwekyo, buli omu weetaaga okubeerako ky'oyiga," bwe yabakuutidde.

Abawanguzi abaasiibuddwa, kuliko; Hood Kiwana Kasirye ow'e Mityana ye yasinze, Pison Busingye ow'e Kiruhura, Dr. Richard Wemesa ow'e Wakiso, Nelly Turyahebwa okuva e Tororo, Joan Kantu okuva e Kabarore, Zubairi Mukaaya ow'e Busoga, Ann Hope Anguyo, Alfred Ojok, Patrick Olobo ne Charles Oyuk.

Ebibiina by'obwegassi ebyawangudde kuliko; Kibinge Coffee Farmers e Masaka, Dem Farm e Mityana ne Alito Joint Co-operative mu disitulikiti y'e Kole.

Akulira Vision Group, Don Wanyama agamba nti okuva mu 2014 empaka zino lwe zaatandika, abawanguzi 134 be baakalondebwa nga baakagabana ssente akawumbi kamu n'obukadde 500 ezikozesebwa okugula ebyeyambisibwa mu mirimu gyabwe ne tekinologiya okutumbula engeri gye baddukanyaamu ffaamu zaabwe.

Empaka zino zitegekebwa kkampuni ya Vision Group etwala ne Bukedde ng'eri wamu n'ekitebe kya Budaaki mu Uganda, kkampuni y'ennyonyi eya KLM, bbanka ya dfcu ne kkampuni ya Koudijs BV.

Annette Kiconco okuva mu bbanka ya dfcu yakubirizza abawanguzi okunoonya enkolagana ne bizinensi ezigenda okubayamba okwongeza ennyingiza ku ffaamu zaabwe n'enkolagana y'ebyensuubulagana wakati wa Uganda ne Budaaki.